**16th September 2018.**

# YESU KRISTO EKY'OKULABIRAKO KYAFFE.

**Abaebbulaniya 12:1-4**

Olunny. 1 Olukalala lw'abantu abaayogerwako mu Ssuula ey'ekkumi n'emu (11) bajulizi abakakasa obw'esigwa bwa Katonda.
Bwe tusoma ku bulamu bw'abwe tweyongera okuddamu amaanyi mu Kristo Yesu nti ali wamu n'abamwesiga.
"Eky'okulabirako eky'okugumiikiriza n'okubonaabona, be bannabbi abaayogeranga mu linnya lya Mukama. Laba tubayita ba mukisa abo abaagumiikiriza. Yobu yeesiga Muka, era obulamu bwe butulaga ng'entegeka ya Mukama bwe yatuukirizibwa obulungi; kubanga Mukama wa kisa era ajjudde okusaasira." Yakobo 5:10-11
Abaebbulaniya baaweebwa abantu omuli Aberi, Enoka, Nuuwa, Sala, Ibulayimu n'abalala basobole okuba n'ekifaanaanyi ekinene eky'obusobozi bwa Katonda mu bulamu bw'abo abamukkiriza.
Era nga bamaze okutegeezebwa obw'esigwa bwa Katonda eri abo abamukkiriza, omuwandiisi w'ebbaluwa abalaga eky'okukola okuva mu kuyiga okwo.

i) Okweyambulamu buli ekizitowa.

Bino bisobola okuba ebintu ebitusika okutuzza emabega mu bulamu bwaffe ng'abalokole era nga bikalubya entambula yaffe ne Mukama waffe.
Abaefeso 4:17-26……

ii) Okweyambula ekibi ekitwesibako amangu.

Tuyinza okuba nga twagala nnyo okukola obulungi era n'okutambula awatali kibi wadde ekikemo naye amazima gali nti buli mukkiriza yenna alina ebibi ebimuyita buli lunaku. Kati nga Katonda bwali omwesigwa eri abo abakkiriza naffe atuwadde amaanyi mu Kristo Yesu okuwangula ekibi.
Abaruumi 8:9-14……..

iii) Tuddukenga n'okugumiikiriza embiro ez'empaka ezaatutegekerwa.

Obulokozi bwe tulimu tuli mu mpaka naye nga tewali gwetuvuganya naye wabula nga tuwangula emibiri gyaffe egyegomba era nga tulina mu mpaka zino

okugifuga ate okussukkulumya amaanyi g'emyoyo gyaffe okusinga emibiri olwo tulyoke tuwangule mu Kristo Yesu.

1 Abakkolinso 9:24-27

Ebizitowa wamu n'ekibi nga bigezaako okuzza Abaebbulaniya emabega, baalina kwekwata ku Yesu Kristo eyatandika okukkiriza kwabwe. Ku mulundi guno si ku mateeka ga Musa kubanga abaageekwatako baalemwa okugatuukiriza n'olwekyo nago negaba nga agataagasa bulamu bwabwe okutambulira mu butuukirivu.

Tetulina kyakuddamu kirala wabula okwekwata wamu n'okutunuulira Yesu Kristo. Buli lwe twesanga mu mbeera eyeetaaga okuwangulwa tutambule mu butuukirivu tutunuulire Yesu Kristo.

Yesu ye mutandisi w'okukkiriza kwaffe naye nga ya kutandika mu bulumi, kuvumibwa, kukubwa, ku musaalaba naye oluvannyuma yawangula byonna.

Yesu yagumiikiriza omusaalaba, okuvumwa, okufa lwakuba yalina essanyu eryamuteekerwateekerwa.

Yanyooma ensonyi kubanga waatudde ku luuyi lwa Taata olwa ddyo olw'entebe ya Katonda taliddamu kusonyiwala nate.

Obunene bw'ekitiibwa bwamira obunene bw'okuswala. Amaaso ge gaali geeyolese ekitiibwa ekitali kikye kyokka naye n'ekyabo bonna abamugoberera.

Tuluubirire essanyu ery'olubeerera eryatuteekerwateekerwa Mukama waffe Yesu era mu buli kye tuyitamu; ebikemo n'embeera enzibu tetusuula kukkiriza kwaffe kubanga tulina eky'okulabirako mu Mukama waffe Yesu Kristo.

Abaruumi 12:1-2….

vs 3. Wansi mu mitima gy'abaafuna ebbaluwa eno baali baakuteekayo Yesu Kristo nga buli kibasoomooza batunuulira bye yayitamu. Bino byali bya kubagumya obutakoowa mu mmeeme zabwe nga batambula ne Yesu Kristo.

Naffe tuddemu amaanyi ab'oluganda; tuleme kutendewalirwa mu mitima gyaffe.

1 Peetero 3:15-16

Ekibi bwe kimala ne kisimba emirandira mu mitima awo kisobola okutuwangula naye bwe tutambula nga emitima gyaffe gyesize Katonda okutuwanguza, Mukama mwesigwa. Ajja kutuwanguza.

Yesu yalwana n'ekibi kyaffe ppaka ku musaalaba era yakiwangula na kufa kwe. Ffe obuwanguzi bwaffe butuli mu Kristo eyawangula naye tetunnalwana kutuuka ku kaseera ak'okuyiwa omusaayi nga tulwanyisa ekibi.